**1st February 2015.**

# KIGAMBO, OKUBA ENSONGA.

## YOKAANA 1:1 – 5.

Entandikwa z'ekitabo mwe mulambikibwa ebikulu by'emilamwa emikulu mu njiri ya Yokaana. Amanyiddwa ng'omutume w'okwagala, olw'okwogera ku kwagala emirundi nga 80 mu biwandiiko bye mu baibuli, era amanyiddwa ng'omutume w'amazima, olw'entakera gy'ayogera ku mazima, naye emirundi nga 100, agamba abasomi be ku kukkiriza, n'olw'ekyo mu ku biwumba awamu, tukitwaala nti ayagala tukkirize amazima, tuyingirizibwe mu ntabagana y'okwagala ne Mukama Katonda waffe.
Enjiri ye, nga bwe twaalaba omulundi oguwedde y'emanyiddwa ku nnya zonna, ng'eyawatukuvu wa watukuvu, olw'engeri gyetuyingiza ebuziba mu kwolesebwa kwa Mukama Katonda mu bujjuvu bw'ekitiibwa kye, kye tusobola okulaba n'okumanya ng'abantu, ng'assa essira ku bwakatonda bwennyini bw'omusajja ddala Yesu Kristo.
Ebisookerwako by'ekitabo, si nnyanjula yokka, wabula obufunze bw'ebiri mu kitabo kyonna, mu ssuula 21 Yokaana atulambikira emilamwa gyayanjula mu ntandikwa z'enjiri ye eno; Okumanyisa kw'Ekigambo, Obulamu, Ekitangaala, Okuddizibwa obuggya, Ekisa, Amazima, N'okwolesebwa kwa Katonda Kitaffe mu mwana Yesu Kristo.
Wadde ng'ennyanjula ye agituweera mu nnyiriri 18 ezisooka, leero tugenda kulaba ettaano ezisooka, nga mu ttugirako akawuuwo k'enjiri ye Yokaana agamba…….
*[Ssoma 1 – 5].*

Tekisoboka kulaba Katonda Kitaffe mwennyini, okujjako mu ngeri endala gye yandy'eyolesezza gyetuli, nga Paulo Omutume wagamba mu I Timoseewo 6:16 nti "alina obutafa yekka, atuula mu kutangaala okutasemberekeka; omuntu yenna gw'atalabangako, so siwali ayinza okumulaba: aweebwenga ekitiibwa n'obuyinza obutaggwaawo. Amiina."
Era mu kuba n'omubiri gw'abantu mu linnya lya Yesu, Yesu Kristo kkenyini atugamba mu Yokaana 14:7 -11 nti ………
Mu Baebbulaniya 1:1 – 13, tubuulirwa nti……..( Weetegereze lny. 2)

Ebikwasaganyizika obulungi ne Bafiripi 2:5 – 11 nti “Mmwe mubeerengamu okulowooza kuli, era okwali mu Kristo Yesu; oyo bwe yasooka, okubeera mu kifaananyi kya Katonda, teyalowooza kintu ekyegombebwa okwenkanankana ne Katonda, naye yeggyako ekitiibwa, bwe yatwala engeri y'omuddu, n'abeera mu kifaananyi ky'abantu; era bwe yalabikira mu mutindo ogw'obuntu, ne yeetoowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musalaba. Era Katonda kyeyava amugulumiza ennyo n'amuwa erinnya liri erisinga amannya gonna;buli vviivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu, ery'eby'omu ggulu n'eby'oku nsi n'ebya wansi w'ensi, era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama waffe, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa.”
Ne Bakkolosayi 1:15 – 17 nti “Oyo kye kifaananyi kya Katonda atalabika, omubereberye ow'ebitonde byonna; kubanga mu oyo ebintu byonna mwe byatonderwa, mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika, oba nga ntebe za bwakabaka, oba bwami, oba kufuga, oba masaza; ebintu byonna byatondebwa ye, era ne ku lulwe; naye ye w'olubereberye mu byonna, era ebintu byonna bibeerawo mu ye.”

Omutume Paulo ne wakikkaatiriza mu I Kkolinso1:24, nti Yesu Kristo Ge maanyi era amagezi ga Katonda, ne tulaba mu Ngero 8, ng’amagezi gakowoola, era gannyonyola mu nny. 22 – 31 nti…..
Tulaba bulungi ekifaanani Yokaana kyali mu ttuwa ku Yesu, eky’okubeerawo kwe ne Katonda mu nsookerezo za byonna, ng’obutonde tebunnabaawo( His pre-existance with God); Ekifaanani eky’okubeerawo kwe awamu ne Katonda – Ekimwaawula naye, ne baba babiri (His Co-existence with God); Awamu n’eky’okwebezaawo nga Katonda (Self-existence with/as God). Ye yaliwo, aliwo, era alibaawo, atatondwa wadde okwesigamiza obubeezibwe Katonda, ku Kintu kyonna, oba amaanyi gonna okujjako Ye kennyini. Era Yokaana bya tugamba mu bigambo ebyangu ennyo, kyokka ate ebizibu ennyo okutegeera, bye tugwaanidde okukkiriza obukkiriza mu lny.1 nti………

Mu bwetaavu bw’okwanjula Yesu Kristo eri Abayonaani n’Abayudaaya ky’ekimu, Yokaana tagamba nti Yesu Kristo yaliwo mu ntandikwa za byonna ng’ali ne Katonda era nga ye Katonda wa byonna emirembe gyonna.

Kubanga mu biro ebyo, enjiri yali etuuse mu Buyonaani ne mu bannamawanga abangi abataamanya ku kusuubizibwa kwa Masiya, n'embala z'amateeka ga Musa ag'okusinza n'okugoberera Mukama Katonda omutuufu w'eggulu n'ensi na byonna mu kukkiriza.

Eri Abayudaaya, ekigambo, oba ebigambo, si maloboozi buloboozi, wabula maanyi agatuukiriza ekiwulirwa mu ddoboozi, n'olw'ekyo okusingawo ku by'abantu, ekigambo kya katonda, ekimanyiddwa obulungi ng'ekitonzi kya byonna nga wetumanyi mu Lubereberye 1, awamu n'okulanga kwa bannabi nti "ekigambo kya Mukama ne kijja eri Nabbi….. nalanga…..". Kyamanyika nti eddoboozi ly'ekigambo kya Mukama mwe yeyoleseza eri bonna. Nga bwe gwaali ku lusozi Sinai.

Ate, ekigambo ekivvuunulwa 'kigambo' wano, mu Luyonaani(Greek) kye kigambo 'Logos', ekitaategeeza kigambo kyokka wabula n'endowooza.

N'olw'ekyo ekigambo 'Logos' kyategeezanga awamu, mu Bayudaaya n'Abayonaani, ekigambo n'endowooza ya Katonda ekitegeeza amagezi era okutegeera kwa Katonda mu kwolesebwa.

Kye kitukwasaganya ne kyetwaalabye nga Yesu Kristo ayitibwa amagezi ga Katonda, nti mu kubeerakwe amagezi ga Katonda kimufuula ekigambo kye, akola byonna ebya Mukama Kitaffe byayogera, kyava Ye kkennyini agamba mu ssuula 14:10 mu Yokaana nti "Ebigambo bye mbategeeza si byange ku bwange, wabula biva eri Kitange abeera mu nze, era akola emirimu ng'ayita mu nze". Kale munzikirize nti ndi mu Kitange era nga ne Kitange ali munze.

Olwo kye kitutegeezesa Ngero 8:22 – 30, ng'amagezi ga Katonda okuba n'embala eyagwo Yokaana gya tuuma obutuufu okuba ekigambo, nga Ye Yesu Kristo.

N'olw'ekyo kubanga Abayonaani baalina okumanya n'okutegeera nti engeri ensi gye yatondwaawo, era na byonna mu yyo gye bibeesebwaawo mu butereevu bw'obutuufu ebiro byonna gaali maanyi na magezi ga Kigambo, Yokaana abakakasa nti Kigambo yayolesebwa gyetuli nga Yesu Kristo, era nga mu yye mwe mwaali obulamu, ate ssi obulamu 'bios' (biology) wabula 'zoe' (obubeesa obulamu), era Obulamu buno ne buba ekitangaala eri abantu…..

Kye tuneeyongera okulaba oluddako, n'oyo eyakirangiriranga, Yokaana Omubatiza.